# AMATEEKA N'EBIWANDIIKO BYA GAVUMENTI YA UGANDA EBIKOSA OKULWAANYISA AKAWUKA AKALEETA MUKENENYA MU BA *TRANS* MU UGANDA.

Kifulumiziddwa **Human Rights Awareness and Promotion Forum (HRAPF)**

**2017**

# AMATEEKA N'EBIWANDIIKO BYA GAVUMENTI YA UGANDA EBIKOSA OKULWAANYISA AKAWUKA AKALEETA MUKENENYA MU BANTU BA TRANS MU UGANDA.

Kifulumiziddwa

Human Rights Awareness and Promotion Forum (HRAPF)

2017

**Omunoonyereza**

Linette du Toit

**Abayambi**

Joaninne Nanyange

Edward Mwebaza

**Abavvunuzi**

Fred Kawalya

Joaninne Nanyange

**Omusunsuzi**

Adrian Jjuuko

# OKUNYONNYOLA EBIMU KU BIGAMBO EBIKOZESEDDWA MU KATABO

**Abantu abasosolebwa:** Abantu ab'olubatu bwogerageranya n'abantu bonna munsi, abasosolebwa kulw'enkula yabwe oba emirimu gy'ebakola.

**Abantu ab'olubatu:** Bino bye bibinja by'abantu nga bbo batono okugerageranya n'abantu mu bibinja ebirala mu ggwanga. Bano be bantu nga: abo abalina akawuka akaleeta mukenenya, abasajja oba abakyala abegatta ne banaabwe ab'ekikula ekimu oba abavubi.

**Ba Nekolera gyange:** Bano be bantu abatunda akaboozi ak'ekikulu.

**Enkyukakyuka (*Transition*):** Eno y'embeera n'emitendera omuntu asazeewo okukyuusa ekikula kye gyayitamu okusobola kino.

**Obusosoze:** Okuyisa omuntu oba abantu mu ngeri ey'awukana ku balala oba mu ngeri embi olw'ebintu ebibaliko eby'enjawulo okugeza emyaaka, enzikiriza, ensibuko yaabwe, n'ebirala.

**Obutonde Bw'omuntu *(sex)*:** Eno ye njawulo eri wakati w'omukazi n'omusajja ku bitundu by'emibiri gyaabwe eby'ekyaama.

***Post Exposure Prophylaxis* oba *PEP*:** Buno bwe bujjanjabi obwamangu obuweebwa omuntu okusobola okukendeeza ku mikisa gy'okukwaatibwa akawuka akaleeta mukenenya, singa omuntu oyo aba abadde mu mbeera eyiinza okumuleetera akawuka kano.

***Sexual and Reproductive Health:*** Kino kitegeeza omuntu okubeera omutebenkevu obulungi ku nsonga z'ekikula wamu n'ebitundu by'ekyaama.

***Trans:*** Omuntu eyazaliibwa ng'awakikula kimu, nga omukazi oba omusajja, naye n'asalawo okukyuusa ekikula kye okufuuka oba okweyiisa ng'ow'ekikula ekirala.

## EBIGAMBO EBIKOZESEDDWA MU BUFUNZE

| | |
|---|---|
| **EOC** | *Equal Opportunities Commission (*Akakiiko akalwanyisa ku kusosolebwa mu bantu) |
| **ICWEA** | *International Community of Women living with HIV/AIDS Eastern Africa* (Ekibiina ekikola ku bakyaala abalina akawuka akaleeta mukenenya mu buvanjuba bwa Africa) |
| **MARPI** | *Most at Risk Populations Initiative* (Ekibiina ekiwagirwa ekitongole kye'byobulamu nga kikola ku abo abasinga okuba kubuzibu bwokukwatibwa akawuka akaleeta mukenenya) |
| **NGOs** | *Non-Governmental Organisations* (Ebitongole by'obwanakyeewa) |
| **NIRA** | *National Identification and Registration Authority* (Ekitongole kya Gavumenti ekikola ku kuwandiisa abantu) |
| **NSP** | *National HIV and AIDS Strategic Plan* (Entekateeka ya Gavumenti ku kulwanyisa mukenenya) |
| **PEP** | *Post-Exposure Prophylaxis* |
| **UGANET** | *Uganda Network on Law Ethics and HIV/AIDS* (Ekibiina ky'obwanakyeewa ekikola ku mateeka, empisa n'emukenyenya) |
| **UNAIDS** | *Joint United Nations Programme on HIV* (ekitongole ky'ensi yonna ekikola ku kulwanyisa mukenenya) |
| **WHO** | *World Health Organization* (Ekitongole ky'ensi yonna ekikola kuby'obulamu) |

# TABLE OF CONTENTS

**OKUNYONNYOLA EBIMU KU BIGAMBO EBIKOZESEDDWA MU KATABO** **4**

**EBIGAMBO EBIKOZESEDDWA MU BUFUNZE** **5**

**1. ENNYANJULA** **7**

**2. NGERI KI AMATEEKA GA UGANDA GYEGAKOSAAMU OKUTUSIBWAAKO OBUJJANJABI BW'AKAWUKA AKALEETA MUKENENYA ERI BA *TRANS*** **8**

2.1 Amateeka mu Uganda gasangibwaawa? 8

2.2 Amateeka ga Uganda googeraki ku bantu ba trans era gakosa gatya ensonga y'okubatusaako obujjanjabi ku kawuka akaleeta mukenenya? 8

2.3 Biwandiiko ki ebitongole ebya gavumenti ebyekuusa ku kufuna obujjanjabi ku kawuka akaleeta mukenenya wamu nokubudaabudibwa kw'aba trans? 18

**3. AMATEEKA G'ENSI YONNA GOOGERAKI KU BA *TRANS* ERA GABAKOSA GATYA MUKUFUNA OBUJJANJABI KU KAWUKA AKALEETA MUKENENYA** **23**

**4. EBY'OKULABIRAKO KU NGERI AMATEEKA N'EBIWANDIIKO BYA GAVUMENTI GYE BIKOSAAMU BA *TRANS* MU KUTUSIBWAAKO OBUJJANJABI BW'AKAWUKA AKALEETA MUKENENYA** **24**

**5. OKUFUNDIKIRA** **25**

# 1 ENNYANJULA

Wakati mu lutalo olw'okulwaanyisa akawuka akaleeta mukenenya, amawanga okwetooloola ensi yonna gassa kimu nti abantu abasosolebwa bebandigwaanidde okukwaata bendera ku bisalibwaawo n'ebikolebwa mu lutalo luno.[1] Abantu nga asatu ku buli kikumi mu bantu abakwaatibwa obulwadde bwa mukenenya mu Uganda babeera bantu abasosolebwa.[2]

Abamu ku bantu abasinga okubeera ku buzibu bw'okukwaatibwa mukenenya ate nga tebafibwaako mu kulwaanyisa akawuka akaleeta mukenenya bebantu ba trans. Okwetoloola ensi yonna,kisuubirwa nti abantu 19% mu bantu ba trans balina akawuka akaleeta mukenenya, era nga abantu bano balina emikisa emibi 49 okufuna akawuka kano okusinga abantu abalala abatuuse mu myaaka egyekivubuka.[3] Newankubadde nga kiri bwekiti, abantu bano basosolebwa mu mbeera yonna. Mu ba trans abakyuuka okufuuka abakyaala (transwomen) be basinga okusosolebwa n'okuboolebwa ekikosa ennyo obulamu bwabwe. Obuzibu buno bubeera mu ngeri nnyiingi okugeza okukakibwa omukwano, okummibwa emirimu, okutunda akaboozi ng'ate amateeka gakigaana, n'okubulwa obujjanjabi obutababoola.[4]

Amateeka ga Uganda gatangira abantu ab'ekikula ekimu okwegatta oba okufumbiriganwa era guba musango kumpi gwa nnaggomola. Era Uganda telina mateeka gayambako ba trans okukyuusa ebiwandiiko ebikwaata ku bulamu bwaabwe.[5] Kino kiteeka abantu bano mu matigga kubanga ebiseera ebisinga batwaalibwa okuba nti be bantu abenyigira mu kweegatta n'ebannaabwe bweefaananya ekikula,[6] era nga balabibwa nga abamenyi b'amateeka. Gavumenti ya Uganda erina ebiwandiiko ebitongole bitono nnyo ebikwata ku by'obulamu n'obujjanjabi bw'abantu bano.

Akatabo kano keetegereza era kannyonyola amateeka n'ebiwandiiko bya gavumenti ebirina akakwaate ku by'obulamu bw'aba *trans*. Ekigendererwa ky'akatabo kano kwekuyamba b'ekikwatako okutegeera amateeka n'ebiwandiiko bya gavument ebitongole ebikwaata ku nsonga eno, naddala ebikwaata ku kujjanjaba n'okutangira akawuka akaleeta mukenenya. Kalaga ebintu ebyetaaga okukyusiibwa mu mateeka n'ebiwandiiko bya gavumenti ebinaaba by'ogeddwaako.

Akatabo kano kawandiikiddwa mu lulimi olwangu era olutegeerekeka nga kawa n'ebyokulabirako. Kagendereddwamu okubangula ba *trans* ku mateeka agabakwaatako basobole okubeera abasaale mu kulwaanyisa akawuka akaleeta mukenenya n'okuleeta enkyuukakyuuka enaabasobozesa okufuna obujjanjabi bwebetaaga. Tulina essuubi lingi nti akatabo kano kaggya kuba ka mugaso eri abantu betukawaandikidde.

---

1 UNAIDS, '*Reaffirming the leadership of people living with HIV in the AIDS response*' [Okwoongera okukakasa obukulembeze bw'abantu abalina akawuka akaleeta mukenenya mu kulwaanyisa mukenenya] Byafulumizibwa 18 July 2016 Bisangibwa http://www.unaids.org/en/resources/presscentre/featurestories/2016/july/20160717_living2016.

2 WHO '*Policy Brief: Consolidated guidelines on HIV Prevention, Treatment and Care for Key Populations*' [Ekiwandiiko ekigobererwa: Ennambikiro egatiddwa ku kutangira akawuka akaleeta mukenenya, obujjanjabi n'endabilira mu bantu abatafibwaako era ababoolebwa] 2014.

3 UNAIDS, *The GAP Report* [Alipoota eraga abatafibwaako mu kulwanyisa mukenenya] 2014.

4 Operario, D et al '*HIV in trans communities: Syndemic dynamics and a need for multicomponent interventions*' [Akawuka akaleeta mukenenya mu ba *Trans:* Ebintu ebirina okutunuulirwa n'obwetaavu bw'okutunuulira ebintu bino mu ngeri ekwaata ku nsonga esukka mu emu] (2010) 55 *Journal on Acquired Immuno Deficiency Syndrome* S91-S93.

5 Human Rights Awareness and Promotion Forum, *A guide to the normative legal framework on the human rights of LGBTI persons in Uganda* [Endagiriro ku mateeka ga Uganda na ki ky'egoogera ku ddembe ly'abantu abaagala abo bwefaananya ekikula] 2015.

6 Okumanya kino bwe kikosa akafubo k'okulwanyisa mukenenya, soma Peters, M '*They wrote gay on her file: Trans Ugandans in HIV prevention and treatment*' [Ku fayilo ye bawandiikako nti ayagala abantu abekikula ekimu naye: Ba *Trans* mu kutangira n'okujjanjaba akawuka akaleeta mukenenya] 18(1) *Culture, Health and Sexuality* (2016) 84-98.

# 2 NGERI KI AMATEEKA GA UGANDA GYEGAKOSAAMU OKUTUSIBWAAKO OBUJJANJABI BW'AKAWUKA AKALEETA MUKENENYA ERI BA *TRANS*

## 2.1 Amateeka mu Uganda gasangibwaawa?

Amateeka ga Uganda gali mu buwandiike ne mu butali buwandiike era amateeka gonna gasengekeddwa mu mitenderaegy'enjawulo.

Eteeka lya Uganda ekkulu ye Ssemateeka era amateeka amalala gonna galina okukaanya nalyo. Amateeka agaddilira Ssemateeka mu bukulu ge mateeka agayisibwa olukiiko lwe ggwanga olukulu *(Palamenti)*. Mu gano, erimu ku mateeka agasinga okumanyibwa era erisinga okukosa ba *trans* ly'eteeka lya *Penal Code* (soma Peno Koodi) erilambika emisango. Amateeka agaddilira gano mu bukulu ge mateeka agakolebwa ebitongole bya gavumenti okugeza nga ba minisita naye ng'obuyinza obukola amateeka gano bulina kuva mu lukiiko lwe ggwanga olukulu. Ebiwandiiko bya gavumenti bitera kukolebwa minisitule oba obukiiko bw'abakugu, nga biraga gavumenti bweyimiridde ku nsonga ezitali zimu. Amateeka era gasibuka mu nsalawo za Kkooti, ne mu buwangwa n'obulombolombo bw'abantu kasita buba nga tebukontana na mateeka mawandiike.

Uganda era efugibwa amateeka g'ensi yonna geyakkiriza okugifuga. Wabula, amateeka gano okufuga mu Uganda, galina okusooka okuteekebwa mu mateeka ga Uganda. Wadde nga kiri bweekiti, obulombolombo bw'amateeka g'ensi yonna bugamba nti buli nsi eteeka omukono ku ndagaano ezigatta amawanga oba ku teeka ly'ensi yonna, erina okussa mutteeka eryo oba endagaano eyo ekitiibwa, wadde nga tebiri mu mateeka gaayo.

## 2.2 Amateeka ga Uganda googeraki ku bantu ba *trans* era gakosa gatya ensonga y'okubatusaako obujjanjabi ku kawuka akaleeta mukenenya?

Amateeka ga Uganda tegalina kinene nnyo kyegoogera ku ba *trans*. Kino kireetedde abantu bano okutwaalibwa nga abataliiwo era nekibalemesa okutwaalibwa ng'abantu abasosolebwa era abetaaga obuyambi n'obukuumi bw'amateeka. Kino era kireese abantu bano okubuzabuzibwa n'abo abegatta n'abantu bwefaananya ekikula, ekibareetedde okusosolebwa. Engeri amateeka gyegatayogera ku bantu bano ob'olyaawo okugamba nti kyebakola kimenya mateeka,obutogerwaako kisobola okukozesebwa okukyuusa engeri gyebafunamu obujjanjabi bw'akawuka akaleeta mukenenya.

Amateeka amakulu agakwaata ku ba *trans* ge gano wammanga:

### a) Ssemateeka.

Lino ly'etteeka ekkulu mu Uganda.[7] Ssemateeka alambika nti abantu bonna benkana era tewateekeddwa kubaawo kusosolebwa kwonna.[8] Ssemateeka amenya emitendera omuntu

7 Akawaayiro 2.

8 Akawaayiro 21.

kwatakkirizibwa kusosolebwa era nga zino zekuusa nnyo ku butonde bw'omuntu. Mu mitendera gino temuli kikula kya muntu, wabula kino tekitegeeza nti Ssemateeka akkiriza omuntu okusosolebwa okusinziira kukikula kye kubanga ensoga eziweebwa mu kawaayiro ako ziweebwa nga kyakulabirako.

Eddembe lyonna eddala ely'obwebange elirambikiddwa mu Ssemateeka gamba nga eddembe ly'obutatulugunyizibwa, eddembe ly'okwetaaya, wamu n'eddembe ly'okwetaba n'abalala liweebwa buli muntu yenna nga mwemuli ne ba *trans*. Kino kyaakakasibwa Kkooti ya Uganda enkulu mu misango esatu.[9] Kkooti etaputa Ssemateeka nayo yavaayo n'egamba nti akawaayiro akaali mu teeka erimu nga kagaana akakiiko akakola ku kulwaanyisa obusosoze mu Uganda, ka *Equal Opportunities Commission* okunoonyereza ku nsonga ezikwaata ku bantu abatwalibwa nga abakola empisa embi nga mwemuli ne ba *trans* kaali kakontana ne Ssemateeka era n'eragira kaggyibwe mu tteeka eryo.[10]

Akawaayiro kokka mu Ssemateeka akayinza okugambibwa nti kakugira eddembe lya ba *trans* ke kawaayiro akagaana obufumbo bw'abantu ab'ekikula ekimu.[11] Olw'okuba nti ba *trans* mu Uganda tebatera kulongooseebwa okusobola okukyuusa emibiri gyaabwe okufaanana ekyo kye baagala, singa omuntu eyazaalibwa nga musajja afumbirwa omusajja, obufumbo obwo tebuyiinza kukkirizibwa kubanga newankubadde ng'oli ye abeera yeeraba ng'omukazi, eteeka libatwaala nti ba kikula kimu.

Ssemateeka talina kinene ky'ayogera ku ddembe ly'omuntu okubeera mu bulamu obweeyagaza. Wadde nga teryogerwaako nga ddembe lya buntu, eddembe lino lyogerwaako mu kitundu kya Ssemateeka ekyoogera ku bintu ebirina okugobererwa mu kufuga eggwanga.[12] Mu kitundu kino, akawaayiro 14 kagamba nti gavumenti erina okulaba nti abantu bafuna obujjanjabi bwebetaaga. N'olweekyo, wadde nga telirambikiddwa nga ddembe lya buntu, gavumenti kigikakatako okulaba nti buly'omu atusibwaako obujjanjabi.

N'olwekyo olw'okuba nti abantu bonna benkana mu mateeka era nga baddembe okwegiriisiza mu ddembe lyabwe eryobwebange okuggyako obufumbo bw'abantu ab'ekikula ekimu, ba *trans* tebasaannye kukugirwa mu kutusibwaako bujjanjabi na kumanya ku nsonga ezikwaata ku kawuka akaleeta mukenenya.

## Enkyuukakyuuka ezetaagisa.

9 Kino kyaakakasibwa mu misango gino: *Victor Mukasa & Yvonne Oyo v Attorney General (2008) AHRLR 248* ogwaali gukwaata ku bikolwa bya poliisi okuyingiza ekifuba mu nnyumba y.omulwanyi weddembe ly'obuntu Victor Mukasa ne batwaala omugenyi we eyalimu n'ebamukwaatilira nebamulemesa n'okugenda mu kabuyonjo; *Kasha Jacqueline, David Kato Kisuule & Pepe Julian Onziema v The Rollingstone Newspaper* omusango No. 33 ogwa 2012 ogwaali guwakanya ekikolwa ky'eggulire lya Rollingstone okufulumya ebifaananyi, amannya n'endagiriro by'abantu abatebeerezebwa okwaagala abantu bwebafanaanya ekikula, era nga likunga abantu okuwanika abantu bano ku kalabba; n'omusango gwa *Kasha Nabagesera & 3 Others v Hon. Simon Lokodo* omusango No. 33 ogwa 2012 ogwaawakanya ebikolwa bya minisita akwaasisa empisa okulagira okukomya mbagirawo omusomo gw'abantu abaagala abo bwe bafaananya ekikula. Wadde nga Kkooti mu musango guno yagamba nti okuggalawo omusomo guno kyaali kigwaanidde era tekyatyoboola ddembe, Kkooti era yakakasa nti ddala abantu bano balina eddembe ng'abantu abalala bonna.

10 *Adrian Jjuuko v Attorney General* Omusango ogutaputa Ssemateeka No. 1 of 2009.

11 Akawaayiro 31(2a).

12 Akawaayiro 8A; Soma CEHURD, *'Advocating for the right to reproductive healthcare in Uganda: The import of Constitutional Petition No. 16 of 2011'* [Okulwanirira eddembe ly'ebyobulamu mu kuzaala mu Uganda: Omugaso gw'omusango gwa Ssemateeka Namba 16 ogw'omwaaka 2011].

Wadde nga Ssemateeka lye tteeka essukkulumu mu ggwanga, lisobola okukyuusibwa olukiiko lw'eggwanga olukulu olukkirizibwa okukola ennongoosereza mu ssemateeka. Kakuyege asobola okukolebwa okulaba nti Ssemateeka akugila obusosoze okusinziira ku kikula ky'omuntu, okulaba nti eddembe ly'obulamu liteekebwa mu Ssemateeka ng'eddembe ly'obuntu, era n'okulaba nti akawaayiro akakugira obufumbo bw'abantu abafaanana ekikula kaggyibwaamu.

b) **Amateeka agabagibwa olukiiko lwe ggwanga olukulu**

Amateeka gano gegaddirira Ssemateeka mu bukulu. Agasiinga okukosa ba *trans* ge gano wammanga:

### i) Etteeka ku kuwandiisa abantu *(Registration of Persons Act 2016)*

Lino ly'etteeka erifuga okwewandiisa kw'abantu mu Uganda. Likwaata ku kuwandiika abaana abazaaliddwa, abantu abafudde, n'okuwa abantu ebiwandiiko ebiboogerako okugeza ng'endagamuntu wamu n'ekiwandiiko ekikakasa obuzaale.

Etteeka lino likosa ba *trans* era n'obusobozi bwaabwe okutusibwaako obujjanjabi ku kawuka akaleeta mukenenya mu ngeri zino wammanga:

*Etteeka obutakirambika nti waliyo abantu ba* trans

Etteeka lino liraga nti waliwo ebikula by'abantu bibiri byokka- abasajja n'abakazi. Etteeka teryoogera ku kikula kyakusatu ekyandibaddemu abantu abateeraba nga basajja oba bakazi, oba ba *trans*. Kino kireetera abantu bano okutwaalibwa ng'abataliiwo. Etteeka kasita litwaala abantu bano ng'abataliiwo, era bweebatyo bwebatwaalibwa ne mu nsonga endala okugeza nga mu nsonga z'okutuusa ku bantu obujjanjabi bw'akawuka akaleeta mukenenya. Balabibwa nga abataliiwo era tebafibwaako. N'olwekyo bwebatalabikira mu mateeka olwo nemubikolebwa babeera mu kisiikirize. Olwo ku nkomerero wesaanga nga balekeddwa ebweru ku nsonga ez'enjawulo ezandibadde ez'omugaso gye bali.

*Obuwaayiro ku kukyuusa amannya n'engeri gyebutaputibwaamu.*

Etteeka liwa omwagaanya omuntu omukulu yenna okukyusa amannya ge.[13] Etteeka lino teriteeka kakwakkulizo konna ku kukyuusa mannya kasita omuntu aba nga awezezza emyaka 18 n'okweyongerayo. Ba *trans* bangi basobodde okukyuusa amannya gaabwe okutuukana n'ekikula kyebaagala. Kino kiyaamba abantu bano okukozesa ebiwandiiko ebitakontana n'endabika yaabwe oba nneeyisa.

Wabula HRAPF yakwasaganyaako omusango gw'omukyaala eyalemesebwa okukyuusa amannya ge kubanga akafaananyi ke kaalaga nti omubiri ggwe gwaali ng'ogutakwatagaana na ndabika y'abakyaala abangi gyebamanyidde, ate nga amannya ge yali ayagala gali gamanyiddwa nga agababakazi. Newankubadde ng'omusango gwali gumu, kiraga nti embeera eringa eno esobola okugenda mu maaso. N'olwekyo kyetaagisa okukola kakuyege mu bitongole

13 Akawaayiro 36.

ebikola ku kukyuusa amannya okulaba ng'etteeka litaputibwa nga bweliri, amannya g'abantu gakyuusibwe awatali bukwakkulizo.

Obukwakkulizo buno obutekeddwaawo ebitongole ebiwandiika amannya agabeera gakyuuse tebuli mu mateeka ate nga buleetera ba *trans* okubeera n'amannya agakontana n'endabika yaabwe. Kino kiteeka obulamu bwabwe mu katyabaga ak'okuyitibwa abakumpanya, abazzi b'emisango, wamu n'okuggulwaako omusango gw'okugingirira ebiwandiiko oguli mubuwaayiro 52 ne 76 mu tteeka lino. Kulwokutya okuswaazibwa, okujolongebwa, okuteeberezebwa wamu nokusosolebwa olw'okubeera n'amannya agakontana n'endabika yaabwe, ba *trans* batya okugenda mu malwaaliro okufuna obujjanjabi n'okumanyisibwa ku kawuka akaleeta mukenenya, era n'abasawo beekengera okukola ku bantu bano olw'okulowooza nti bamenyi b'amateeka. Kino kibalobera okufuna obujjanjabi n'okumanyisibwa ku kawuka akaleeta mukenenya.

*Obutabaawo kulambika ku kukyuusa butonde mu bantu abakulu.*

Etteeka lino lirambika nti omwana bwamala okuzaalibwa, alina okuwandiikibwa era ekikula kye nekikakasibwa mu buwandiike.[14] Wabula singa omwana azaalibwa nga wa bikula bibiri nalongoosebwa, abazadde b'omwana oyo bakkirizibwa okuwandiisa okukyuusa okwo.[15]

Enteekateeka eno eri ku baana bokka, kyokka ku bantu abakulu etteeka lyesuuliddeyo gwa nnaggamba era teririna werilagira singa omuntu omukulu abeera nga asazeewo okulongoosebwa okukyuusa obutonde bwe.

Mu mateeka kitwaalibwa nti etteeka bweriba nga terikugira kintu, kitegeeza nti ekintu ekyo kikkirizibwa. N'olwekyo, kitegeeza nti okukyusa ekikula mu bantu abakulu tekigaanibwa wabula tewali mitendera giteereddwawo ku kwewandiisa singa kiba nga kikoleddwa. Minisitule ekola kunsonga ez'omunda erina engeri gy'ekuttemu ensonga z'okuwandiisa enkyukakyuka mu kikula. HRAPF erina omusango gweyakolako okusobozesa eyalongoosebwa nafuuka omukazi okukyusa ebiwandiiko bye. Omukyaala ono bwe yasaba okukyuusa ebiwandiiko bye okulaga nti afuuse mukyala, yakkirizibwa. Yasaba okukyusa pasipoota ye era oluvannyuma lw'okukakasa obutuufu bw'ensonga y'okulongoosebwa, okusabakwe kwakkirizibwa era pasipoota n'ekyuusibwa. Wabula, abantu abasinga mu Uganda abandyaagadde okulongoosebwa bakyuusibwe, tebasobola olw'ensimbi ennyingi ezetaagisa. N'olwekyo bbo bayiinza obutaba na mukisa mukyala ono gwe yafuna.

Obutabaawo nnambikiro yakuwa mwagaanya abantu abakulu okukyuusa ekikula kyaabwe singa baba basobodde, kiviiriddemu ba *trans* okubeera n'amannya n'endabika ebikontana n'ebyo ebibeera biri ku biwandiiko byaabwe. Embeera eno ebaleetera okutwaalibwa okuba abafere ekintu ekibaleetera okusosolebwa, n'ekifuuka omuziziko nga tebasobola kufuna bujjanjabi wamu n'okwebwalabwala n'okwekweka ekintu ekiteeka obulamu bwaabwe mu matigga wamu n'obulabe bw'okukwatibwa akawuka akaleeta mukenenya.

## Enkyuukakyuuka ez'etaagisa

Waliwo obwetaavu okukola ennongoosereza mu tteeka lino olw'ensonga zino: okulaga nti mu Uganda waliwo ekikula eky'okusatu eky'abantu abeeyisa mu ngeri eyawukana n'obutonde

14 Akawaayiro 32(2)(a).

15 Akawaayiro 38.

bwaabwe naye nga tebalongooseddwa kukyuukira ddala: okukakasa nti ddala mu Uganda tulina ba *trans*; okuteekawo ennambikiro ku kukyuusa obutonde mu bantu abakulu; okutendeka abakugu b'obujjanjabi n'abakungu abawerako mu minisitule ekola ku nsonga ez'omunda ne mu ggwandiisizo ku nsonga z'aba *trans*; gavumenti efulumye ebiwandiiko ebyoogera ku nsonga z'aba *trans*; n'okwongerawo ebifo awajjanjabirwa nga bbyo bitegeera era bikola ku nsonga z'abantu ba *trans*.

Kakuyege era alina okukolebwa mu Minisitule ekola ku nsonga z'omunda n'ekitongole ekiwandiika abantu mu Uganda, okulaba ngawateerebwawo mu butongole okuwandiisa ba *trans* n'okussaawo ebigobererwa ku ngeri omuntu akyuusa ekikula nga mukulu mu myaka gy'ayinza okuwandiikibwamu.

### ii) Etteeka elikwaata ku misango eggizibwa (***Penal Code Act, Cap 120***)

Lino ly'etteeka ekkulu mu Uganda eritondawo emisango n'ebibonerezo byaagyo. Lirina obuwaayiro bungi obukosa obulamu bwa ba *trans* bwookutusibwaako obujjanjabi n'okumanyisibwa ku kawuka akaleeta mukenenya. Obuwaayiro bwebuno wammanga:

*Akawaayiro akalobera abantu ab'ekikula ekimu okw'egatta*

Etteeka lino lirobera abantu ab'ekikula ekimu okweenyigira mu bikolwa eby'okwegatta.[16] *Trans* yenna, singa yegatta n'omuntu bwe bafaananya obutonde yadde nga beeyisa mu ngeri yanjawulo aba akosebwa akawaayiro kano. Okugeza, singa omuntu eyazaalibwa nga musajja naye nga yeeyisa nga mukazi yegatta n'omuntu eyazaalibwa nga musajja naye nga ye yeeyisa nga musajja, aba azizza omusango guno, newankubadde oli eyeeyisa ng'omukazi ye akitwaala nti mukazi. Engeri akawaayiro kano gye kakosaamu ba *trans* kileetera abantu bano okusosolebwa, okuboolebwa, n'obutatusibwaako bujjanjabi bwe betaaga.[17] Akawaayiro era kakaka abantu bano okwekweeka olw'okutya nti singa bagenda mu malwaaliro okufuna obujjanjabi, baggya kukwaatibwa basibwe.

Akawaayiro kano era kaleetera abasawo okubeera ku bunkenke n'okulowooza nti omulimu gwaabwe guli mu matigga nga balowooza nti okuwa ba *trans* obujjanjabi kubeera kumenya mateeka. Mu Uganda kkooti enkulu yagaamba mu musango ogumu nti ekintu ekikolebwa okuyamba ba *trans*, n'abo abeeyisa mu ngeri eyawukana n'obutonde bwaabwe kibeera kimenya mateeka kubanga oyo abeera akikoze abeera yekobaanye n'abantu bano era nga abayambako okuzza omusango gw'okwegatta n'abantu abafaananya ekikula. Okusinziira ku kino, abasawo balabira ddala nga bwebajjanjaba abantu bano babeera nga abavuddeyo okubawagira okumenya amateeka. Kale kino kikolera ddala ng'omuziziko mu kuyamba abantu bano wadde nga oba oli awo wandibaddewo abandyaagadde okuyamba.

Akawaayiro akengeri ng'eno, era kalinga akawagira ba *trans* okusosolebwa n'okuleetera eddembe lyaabwe okulinnyirirwa okugeza, okugaanibwa okufuna okuwabulwa n'okujjanjabibwa akawuka akaleeta mukenenya. Kino kiri bwekityo kubanga kkooti enkulu yasalawo nti newankubadde abantu bano balina eddembe lyabwe eryobwebange okweyagalira

16 Akawaayiro 145.

17 Peters, M '*They wrote gay on her file: Trans Ugandans in HIV prevention and treatment*) 18(1) *Culture, Health and Sexuality* ' [Ku fayilo ye bawandiikako nti ayagala abantu abekikula ekimu naye: Ba *Trans* mu kutangira n'okujjanjaba akawuka akaleeta mukenenya] ( (2016) 84-98.

mu ddembe lino kukugiddwa mu kawaayiro kano ak'etteeka lino.[18] Kino kitegeeza nti nebwebaba nga bajolongeddwa, basobola obutafuna kuyambibwa kubanga okujolongebwa kuno kutwalibwa ng'okukkirizibwa mu mateeka.

Kyetaagisa okukola ennongoosereza mu tteeka lino okuggyamu akawaayiro kano, okwoogera n'abawi b'obujjanjabi ku nsonga za ba *trans* n'omugaso gw'okukolagana n'abantu bano mu lutalo lw'okulwaanyisa akawuka akaleeta mukenenya.

*Obuwaayiro obulobera omulimu gwa nnekolera gyange.*

Etteeka lino lilobera omulimu gwa n'ekolera gyange n'ebigugenderako byonna.[19] Kino kireetera ba *trans* naddala abasajja abeeyisa ng'abakyaala okubeera mu mitawaana kubanga bebasinga okwenyigira mu mulimu guno ogwa nnekolera gyange anti bambi abantu bangi tebaagala kubawa mirimu olw'endabika yaabwe. Era nga bweguli ku kawaayiro ke twasoose okwoogerako, n'obuwaayiro obulobera emirimu gy'obwa nnekolera gyange bulemesa abantu bano okugenda mu malwaaliro okunoonya obujjanjabi era bulemesa n'abo abagaba obujjanjabi okukola ku bantu bano olw'okutya nti baggya kukwaatibwa. Okutya n'okusosolebwa kuno kibaleetera okutya okweyabiza abajjanjabi kunsonga ez'enjawulo ezeekuusa ku kwegatta kibasobozese okufuna obujjanjabi obutuukiridde. Etteeka lisaana likyuusibwe emisango gino giveemu.

*Obuwaayiro obutondawo emisango gy'obwa kireereesi.*

Etteeka lirina obuwaayiro obutondawo emisango gy'obwakireereesi, wabula obuwaayiro buno bugazi nnyo era tebutegeerekeka bulungi.[20] Bulobera ebintu ng'okusangibwa ngotayaaya mu kifo eky'olukale mu ngeri eyiinza okutebeerezebwa nti oliwo kuzza musango. Obuwaayiro buno bukosa nnyo abantu abataagalibwa mu Uganda okugeza nga abantu abatalina mirimu, ba nnekolera gyange, n'abalala nga abo. Ba *trans* batera okukwaatibwa ku misango gy'obwakireereesi, nebavunaanwa ng'owa poliisi abateebereza okwefuula kyebatali, wamu n'okwenyigira mu bikolwa ebitali bya buntu oba okwefuulamu abantu abalala okusinziira ku ndabika yaabwe. Kino kiri bw'ekiti kubanga ebiseera ebisinga poliisi eba terina musango mulala gwa kubavunaana.[21]

Ekitongole ekitwaala eby'obulamu mu nsi yonna ki *World Health Organisation*, kyawabula nti amateeka agabagibwaawo ng'ekigendererwa kwekutulugunya ekiti ky'abantu abamu gasaana galongoosebweemu. Kino kiri bwekityo kubanga amateeka ag'engeri ng'eno galeetawo okusosolebwa n'okubolebwa kw'abantu bano naddala mu nsonga z'okutusibwaako obujjanjabi.

*Omusango gw'okwefuula ky'otoli.*

---

18 *Kasha Nabagesera & 3 Others v. The Attorney General and Hon. Rev. Fr Simon Lokodo,* Omusango No. 33 of 2012.

19 Okuva ku kawaayiro 136 paka ku kawaayiro 139.

20 Obuwaayiro 167 ne 168.

21 Human Rights Awareness and Promotion Forum, *The Narcotic Drugs and Psychotropic Substances (Control) Act. 2016 and the Legal Regulation of Drug Use in Uganda: Analysing the tension between criminal law, public health and human rights* [Etteeka erikwaata ku biragalalagala n'ennaambika y'enkozesayaabyo mu Uganda: Okweetegereza obutali butebenkevu obuliwo wakati w'amateeka agatondawo emisango, obulamu bw'abantu n'eddembe ly'obuntu] 2016.

Akawaayiro 381 ak'etteeka lino katondawo omusango gw'okwefuula omuntu omulala n'ekigendererwa eky'okubba oba okufera abantu. Mu mateeka amatuufu, etteeka lino terisaana kukozesebwa kukwaata ba *trans* kubanga bbo tebagenderera kufaanana muntu mulala yenna n'ekigendererwa ekyokwagala okubba. Wadde nga kiri bw'ekiti, abantu bano era bakwaatibwa n'ebavunaanwa omusango guno. Wabula kino kikosa era kikola ng'omuziziko eri abantu bano mukufuna obujjanjabi wamu n'endabirirwa.

### Enkyuukakyuuka ezetaagisa

Waliwo obwetaavu okutwaala obuwaayiro buno mu Kkooti etaputa Ssemateeka kubanga buvvoola Ssemateeka ky'agamba. Era waliwo n'obwetaavu okukwaatagana n'ebitongole ebikwaasisa amateeka gano okulaba nti bategeera omusango gw'okwefuula ky'otoli, balekere awo okugukozesa ku ba *trans* mu bukyaamu.

### iii) Etteeka kukuziyiza n'okulwanyisa akawuka akaleeta mukenenya *(HIV Prevention and Control Act, 2014)*

Omugaso gw'etteeka lino kwe kw'ogera ku kwekuuma, okubudabuda, okwekebeza n'okulabirira abantu abalina akawuka akaleeta mukenenya n'ekigendererwa ekyokusaanyaawo mukenenya. Etteeka lino lirina bingi ebyekuusa ku ba *trans* n'engeri gye bayiinza okufunamu obujjanjabi n'okumanyisibwa ku kawuka akaleeta mukenenya. Obuwaayiro obumu mu tteeka lino bwekkeenenyezebwa wammanga:

*Obuwaayiro obulungi*

Etteeka lirina obuwaayiro obulungi bungi obwaanguyiza ba trans okusobola okufuna obujjanjabi n'okubudaabudibwa ku nsonga ya mukenenya. Muno mulimu: obuwaayiro obulagira abasawo okubudabuda omuntu nga tannaba wamu era nga amaze okweekebeza;[22] obuwaayiro obulobera n'okulwaanyisa obusosoze obuyinza okubalukawo mu milimo;[23] mumasomero ne mubifo by'obujjanjabi ng'okusosola kuno kwekuusa ku muntu okubeera n'akawuka akaleeta mukenenya; obuwaayiro obulagira gavumenti okuwa abantu bonna obujjanjabi awatali kusosolebwa;[24] obuwaayiro obulagira gavumenti okutekaawo obujjanjabi obutali bwa kusasulira eri abantu bonna ababeera batereeddwa mu matigga g'okufuna akawuka akaleeta mukenenya;[25] okutekaawo okumanyisibwa mu bantu abalina akawuka akaleeta mukenenya era n'okulaba nti abantu bano beetaba mu nteekateeka za gavumenti zonna.[26] Obuwaayiro buno buyamba okusitula omutindo gw'abantu abalina akawuka akaleeta mukeneya era abantu bano balina okubutegeera okusobola okuteeka gavumenti ku nniinga okuteeka obuwaayiro buno mu nkola.

Etteeka lino liteeka obuvunanyiizibwa ku gavumenti okuteeka essiira ku bantu abasosolebwa

22 Obuwaayiro 3(1), 5 & 6.

23 Obuwaayiro 32(1) & 33.

24 Akawaayiro 24(1)(b).

25 Akawaayiro 32(3)(b).

26 Obuwaayiro 24(1)(e) & (f).

okusingira ddala abavubi, abasibe, n'ababundabunda.[27] Kirowoozebwa nti etteeka lino lyaalekayo abantu abamu mu kagenderere, okweewala okuteekamu abantu abataagalibwa okugeza ba *trans*. Wadde nga kino kiri bweekiti, obuwaayiro buno bukyayiinza okukozesebwa okuyamba ba *trans* kubanga ekitongole ky'amawanga amagatte ekikola ku kawuka akaleeta mukenenya ki *UNAIDS* ne gavumenti ya Uganda bavuddeyo nebagamba nti abantu bano bebamu ku bantu abasosolebwa abalina okussibwaako essiira mu lutalo lw'okulwaanyisa obulwadde bwa mukenenya.[28]

*Obuwaayiro obw'ebizibu*

Etteeka lirina obuwaayiro obw'ebizibu obuyiinza okukosa engeri ba *trans* gyebatusibwaako obujjanjabi n'okumanyisibwa ku kawuka akaleeta mukenenya. Muno mulimu okukebeza omuntu omusaayi mu buwaze singa aba ng'akwaatiddwa mu musango gwonna ogw'ekikaba,[29] Okugufuula omusango okusiiga oba okugezaako okusiiga omuntu omulala akawuka akaleeta mukenenya,[30] n'okwasanguza ebyama by'omulwadde eby'obulamu bwe.[31] Okukebeza omuntu mu buwaze abeera akwaatiddwa ku musango gw'obukaba kiyiinza okukozesebwa okuyigganya abantu abasosolebwa nga muno mwe muli ne ba *trans*. Enkola eno eba egenda kwongera bwongezi kusosolebwa kwa bantu bano. Okugufuula omusango okusiiga omuntu akawuka akaleeta mukenenya kikugira abantu okwekebeza kubanga singa omuntu aba nga avunaaniddwa omusango guno, n'ekisangibwa nti yali yekebezaako ng'amanyi nti alina akawuka, omusango guba gumusinga. Omusango gw'okugezaako okusiiga omuntu akawuka akaleeta mukenenya mugazi nnyo era gw'andikozesebwa okuyigganya abantu abatagaalibwa nga ba *trans*. Okukkiriza abasawo okwaasanguza ebyaama by'abalwadde kiggya kulemesa abantu okweekebeza n'okufuna obujjanjabi. Bino byonna bikugira abantu naddala ba *trans* okutusibwaako obujjanjabi n'okumanyisibwa ku kawuka akaleeta mukeneya.

### Enkyuukakyuuka ez'etaagisa.

Waliwo omusango ogwatwalibwa mu Kkooti etaputa Ssemateeka nga guwakanya obuwaayiro mutteeka lino era nga gw'etaaga okuwagirwa okulaba nga guwaangulwa olwo etteeka lirongoosebwe.[32] Waliwo n'obwetaavu okukwataagana n'ebitongole ebitali bimu okulaba ng'obuwaayiro obulungi mu tteeka buteekebwa mu nkola.

### iv) Etteeka erifuga ebibiina by'obwanakyeewa *(The Non-Governmental Organisations Act 2016)*.

27 Obuwaayiro 24(1)(k) & 24(2).

28 UNAIDS, *UNAIDS Terminology Guidelines*, 2015 [Ennambikiro y'ebigambo n'engombo by'ekitongole kya UNAIDS]; *The Republic of Uganda Ministry of Health Addendum to the National Antiretroviral Treatment Guidelines 2013* [Ekiwandiiko ky'ekitongole ky'eby'obulamu ekikwaata ku bujjanjabi bwa mukenenya] *2015*.

29 Akawaayiro 12.

30 Obuwaayiro 41 & 43.

31 Akawaayiro 18.

32 Omusango gwawaabirwa ebitongole ki UGANET, ICWEA ne kakensa Ben Twinomugisha, nga bawagirwa ebitongole byo bwannakyeewa

Lino ly'etteeka eppya erifuga ebibiina by'obwannakyewa. Lyateekebwa mu nkola mu mwezi ogw'okusatu omwaka 2016 okusobola okuluŋŋamya entambula y'emirimo egikolebwa ebibiina bino.Etteeka lino lirimu obuwaayiro bubiri obuyinza okukosa emirimugy'ebitongole ebikola ku nsonga za ba trans. Mu buwaayiro buno mulimu bano wano wammanga;

*Obuwaayiro obulobera ebitongole okw'enyigira mu mirimu; gy'akawaayiro akalemesa ebitongole okwewandiisa olw'okuba nti birina ebigendererwa ebikontana n'amateeka*

Obuwaayiro buno bukugira ebibiina okwenyigira mu mirimu egikontana n'amateeka n'ebyokwerinda by'eggwangawamu n'ebyo ebityoboola ekitiibwa kya bana Uganda.[33] Etteeka lino era liwa ekitongole ekikola ku kuwandiisa ebibiina obuyinza okugaana okuwandiisa ekibiina kyonna ekiba kyekennenyezeddwa n'ekisangibwa ng'ebigendererwa byaakyo bikontana n'amateeka ga Uganda.[34] Obuwaayiro buno buyiinza okukosa ebibiina ebikola ne ba *trans* okuba nga b'enyigira mu bikolwa ebimenya amateeka. Mu kukola emirimu gino, ebiibina bw'ebiti bisobola okutwaalibwa nti birina ebigendererwa ebikontana n'amateeka ga Uganda, era nti bityoboola ekitiibwa kya banna Uganda. N'olw'ensonga eyo, etteeka lino lisobola okukozesebwa okuyimiriza emirimu gy'ebibiina ebiwa obujjanjabi n'obuyambi eri ba *trans* kubanga abantu bano batwaalibwa okuba nti benyigira mu bikolwa ebimenya amateeka era ebityoboola ekitiibwa kya banna Uganda.

#### Enkyuukakyuuka ezetaagisa.

Kyetaagisa okukola ennongoosereza mu tteeka lino okusobola okuggyamu obuwaayiro obukoneddwaako oba okutwaala omusango mu Kkooti etaputa Ssemateeka okuwakanya obuwaayiro buno. Era waliwo obwetaavu okukwatagana n'ekitongole ekifuga ebibiina by'obwannakyeewa, minisitule y'eby'obulamu, n'ekitongole ekikwasaganya ensonga ezikwaata ku kawuka akaleeta mukenenya ki *Uganda AIDS Commission* okukakasa nti obuwaayiro obukoneddwaako mu tteeka lino tebukozesebwa mu ngeri etulugunya abantu ab'olubatu, okugeza ba *trans*.

### v) Etteeka ku kakiiko akalwanyisa okusosolebwa *(Equal Opportunities Commission Act 2007)*

Ng'emu ku ngeri y'okulwaanyisa akawuka akaleeta mukenenya, ekitongole k'eby'obulamu munsi yonna ki *World Health Organisation* kikubiriza amawanga gonna okubeera n'amateeka agakugira okusosola kw'abantu ab'olubatu.[35] Mu 2007 Uganda yabaga etteeka lino n'ekigendererwa ky'okukendeeza obusosoze wamu n'obutali bwenkanya mu bantu ab'enjawulo ng'obusosoze bwesigamizibwa ku kikula ky'omuntu, emyaka gye, eggwanga lye obulamu n'ebirala. Etteeka lino era ligenderera okuteekawo embeera esitula omutindo gw'abantu abasosolebwa. Etteeka lino liteekawo akakiiko ka Equal Opportunities Commission kaweebwa

33 Obuwaayiro 44(d) & (f)

34 Akawaayiro 30(1)(a)

35 WHO, *Policy Brief: Consolidated guidelines on HIV Prevention, Treatment and Care for Key Populations* [Ekiwandiiko ekigobererwa: Ennambikiro ey'awamu ku kutangira akawuka akaleeta mukenenya, obujjanjabi n'endabilira mu bantu abatafibwaako era ababoolebwa] 2014.

obuyiinza okuwuliriza okwemulugunya kwonna okukwaata ku busosoze,[36] okwekennenya ebikolwa, amateeka, enteekateeka n'ebiwandiiko bya gavumenti ebirabika nga biyiinza okuleeta obusosoze oba okukugira obw'enkanya. Akakiiko kano era kaweebwa obuyiinza okwekenneenya ebikolwa by'ebitongole bya gavumenti okukakasa nti bikola emirimu mu ngeri etasosola oba okukugira obwenkanya.

Wadde ng'okuviira ddala ku ntandikwa abantu abamu abasosolebwa baali tebasobola kweeyambisa kakiiko kano olw'akawaayiro akaali kakugira akakiiko okukola ku nsonga ezirowoozebwa okuba nga zimenya mateeka oba nga zeessitaza, kino kyaakyusibwa Kkooti etaputa Ssemateeka mu musango ogwawaabibwa *Adrian Jjuuko (*ssenkulu wa HRAPF*)* era Kkooti n'egamba nti kaali kakontana ne Ssemateeka kubanga kaali kasosola. Oluvannyuma lw'ensalawo eno, ba *trans* basaana okwenyigira mu kakuyege okulaba nti etteeka lino liteekebwa mu nkola ku lw'obulungi bwaabwe okusobola okumalawo obutali bwenkanya n'obusosoze bye basanga mu bifo awajjanjabirwa.

**Enkyuukakyuuka ezetagisa.**

Waliwo obwetaavu bw'abantu ba *trans* okukozesa akakiiko kano okutumbula eddembe ly'abantu bano n'eby'obulamu bwaabwe.

### c) Obulombolombo n'eby'obuwangwa.

Amateeka agamu mu Uganda gaggyibwa mu bulombolombo n'obuwangwa kasita biba nga tebikontana na mateeka mawandiike. Obulombolombo obusinga mu Uganda bukkiriza nti abantu ba njawulo era nga mu Buganda, waliwo n'amannya agaweebwa abantu abefaananyiriza ba *trans*. Muno mulimu amannya nga ' kyakulassajja' oba 'kyakulakkazi' okutegeeza omukazi akolera ddala ebyabasajja, oba omusajja akolera ddala ebyabakazi.[37] Obuwangwa tebubonereza wadde okuboola abantu bano era nga batwaalibwa ng'abantu ba buliggyo. Eno enkola nnungi nnyo era eyinza n'okukozesebwa okuyamba okutuusa obujjanjabi n'okumanya ku kawuka akaleeta mukenenya eri ba *trans*.

## 2.3 Biwandiiko ki ebitongole ebya gavumenti ebyekuusa ku kufuna obujjanjabi ku kawuka akaleeta mukenenya wamu nokubudaabudibwa kw'aba trans?

Ebiwandiiko bingi ebitongole ebikwaata ku by'okufuna obujjanjabi era nga bikosa ba *trans* mu busobozi bw'okufuna obujjanjabi, okubudaabudibwa wamu n'engeri y'okwetangiramu akawuka akaleeta mukenenya. Era nga muno mulimu:

---

36 Akawaayiro 15.

37 Tamale, S '*Homosexuality is not un-African* [Okwagala omuntu bwemufaananya ekikula tekiva wabweeru wa Afrika] Byawandiikibwa ku *Al-Jazeera America* nga 26 April 2015. Bisangibwa ku http://america.aljazeera.com/opinions/2014/4/homosexuality-africamuseveniugandanigeriaethiopia.html (byaakeberebwa 27 January 2017).

1. **Ekiwandiiko kya Gavumenti ekitongole ekikwaata ku by'obulamu: *(The second National Health Policy, 2010]***

Kino kiwandiiko kya gavumenti ekyaakolebwa n'ekigendererwa eky'okusitula omutindo gw'eby'obulamu bw'abantu bonna mu ggwanga wamu n'okubeera n'obulamu obweyagaza. Ekiwandiiko kino kigenderera okwongera amaanyi mu ntegeka n'enzirukanya y'ebitongole ebikola ku by'obulamu n'okulongoosa ku ngeri abantu gye batusiibwaako obujjanjabi. Ekiwandiiko kiraga nti Uganda erina enteekateeka okulaba ng'ekendeeza n'okusanyaawo obutali bwenkanya mu by'obulamu kigisobozese okulwanyisa akawuka akaleeta mukenenya. Ekimu ku bitunuulirwa mu kiwandiiko ng'ebyetaaga okukolebwaako okutumbula eby'obulamu mu ggwanga ye nneyisa y'abantu. Ebiseera ebisinga enneeyisa y'abantu yetoondawo ebibinja by'abantu ab'olubatu.

Ekiwandiiko wabula tekyeyongerayo kunnyonnyola ku ngeri enneyiisa y'abantu gyetoondawo ebibiinja bino n'engeri gyebisosolwaamu okugeza nga ba *trans*. Ekiwandiiko kino era tekiwaawo magezi ku ngeri okusosolebwa n'okunyoomebwa okwo gyekuyinza okumalibwaawo.Wabula, ekiwandiiko ky'ogera ku buzibu abakazi n'abantu abalina obulemu ku mubiri bwebasanga okutusibwaako obujjanjabi. Ekiwandiiko kikubiriza okwongera okukola okunoonyereza okusobola okussaawo ekisinzirwaako okukola ku nsonga z'abantu ab'olubatu. Wabula ekiwandiiko kino tekyoogera ku ba trans era tekiraga nti beebamu ku bantu abasosolebwa mu bintu by'obujjanjabi abetaaga okukolebwaako mu ngeri ey'enjawulo.

### Enkyuukakyuuka ezetagisa

Ba *trans* basobola okukola ekisoboka okulaba nti ekiwandiiko kiboogerako awamu n'ensonga zaabwe.

2. **Ekiwandiiko ekitongole ku by'obulamu ebikwaatagana n'okwegatta *(The National Policy Guidelines and Service Standards for Sexual and Reproductive Health and Rights, 2012)***

Ekiwandiiko kino kiwa ennambikiro eri abo bonna abakola ku kutusaako abantu obujjanjabi n'okumanya ku by'obulamu. Newankubadde nga ba *trans* tebogerwaako ng'abagenda okuganyulwa mu kiwandiikokino, okuba nti waliwo ekiwandiiko kya gavumenti ekigezaako okwoongera okutuusa obujjanjabi n'okumanyisibwa mu bantu ku nsonga z'okulwaanyisaamu akawuka akaleeta mukenenya kintu kirungi nnyo. Wabula nga bwekiri nti ba trans bebamu ku bantu abetaaga okufibwaako olw'ebyetaago byaabwe, kyeetagisa okubaawo ekiwandiiko ekyoogera ku bantu bano n'okubatunuulira n'obweegendereza okusobola okutangira okusaasanya akawuka kano mu bantu bano, n'abantu abalala.

Ekimu ku bikulu mu kiwandiiko kino kweekuba nti kirambika nti obujjanjabi naddala obw'akawuka akaleeta mukenenya bulina okuweebwa mu ngeri enzijuvu nga buli nsonga ekwatibwaako. Okugeza singa omuntu yenna abeera agenze okweekebeza olubuto, asobolera ddala n'okukeberebwa akawuka akaleeta mukenenya. Oba singa omuntu agenda awajjanjabirwa okufuna eddagala erikakkanya akawuka akaleeta mukenenya, omusawo era aba asobola okweekebejja omulwadde okukakasa nti ebitundu bye byonna eby'obulamu bili

bulungi.

## Enkyuukakyuka ez'etagisa

Ba *trans* basobola okukola ekisoboka okulaba nti ekiwandiiko kiboogerako awamu n'ensonga zaabwe.

## 3. Enteekateka Y'okulwanyisa Akawuka Akaleeta Mukenenya 2015/2016/-2019-2020[2015] Wamu Nenteekateeka Yokusoosowaza Okulwannyisa Mukenenya Mu Ggwanga 2015/2016-2017/2018 (*National HIV and AIDS Strategic Plan 2015/2016 – 2019/2020 and the National HIV and AIDS Priotity Action Plan 2015/2016 – 2017/2018)*

Ebiwandiiko bino bye birina enteekateeka ya gavumenti okulwaanyisa akawuka akaleeta mukenenya nge'ra biraga gavumenti kyegeenda okukola wakati w'omwaka 2015 ne 2020. Ekigendererwa ky'ebiwandiiko bino kwekulambika engeri eggwanga gyeririna okukwasaganya ensonga z'akawuka akaleeta mukenenya n'okulaba nti ebikolebwa gavumenti okulwaanyisa akawuka bikwaatagana n'ebintu ebikaleetede okusaasanyibwa ennyo. Ebiwandiiko bino biraga biki ebirina okusosowaazibwa mu myaaka esatu egisooka egy'enteekateeka eno. Ebiwandiiko bino bikakasa nti okusaasaana kw'akawuka akaleeta mukenenya ate kwegiriisa nnyo mu bantu abali ku bwerende era abatafiibwaako okugeza ba 'Nekolera gyange',abasajja abegatta mu by'omukwano ne basajja bannaabwe,wamu n'abakola omulimu gw'okuvuga Bodaboda.

Mu lutalo lw'okulwaanyisa mukenenya, ebiwandiiko bino bitunuulidde ebibinja by'abantu ab'olubatu ebimanyidwa wamu n'ebyo ebimerukawo, ekintu ekirungi ennyo. Wabula ebiwandiiko bino tebyoogera ku ba *trans* nga abamu ku bantu abetaaga okufibwaako ennyo. Ebiwandiiko bino biraga enteekateeka ya gavumenti okwoongera ku bikolebwa mu bantu ab'olubatu mu kulwaanyisa akawuka akaleeta mukenenya. Ebiwandiiko bino era birina ekigendererwa ky'okuwa abantu abalina akawuka akaleeta mukenenya obujjanjabi obujjuvu omuli eddagala, okubudabudibwa, n'okutangira abantu bano okufuna endwadde endala. Ekigendererwa ekirala kya kumalawo kusosolebwa na kuboolebwa era n'okukakasa nti ensonga z'abantu abalina akawuka akaleeta mukenenya zitwaalibwa ng'ekikulu mu nteekateeka za gavumenti endala zonna.

## Enkyuukakyuuka ezetagisa

Waliwo obwetaavu okukwatagana ne minisitule y'eby'obulamu okulaba nti ba *trans* nabo batekeebwa mu biwandiiko bino.

## 4. Enteekateeka y'okwekebeza n'okubudaabuda abalina akawuka ka mukenenya mu Uganda 2010 *(Uganda HIV Testing and Counseling Policy 2010)*

Ekigendererwa ky'ekiwandiiko kino kwe kukendeeza ensasaanya y'akawuka akaleeta

mukenenya nga kiyita mu kusobozesa abantu okweekebeza n'okulongoosa ku mutindo gw'obulamu bw'abwe nga bekuuma obutafuna kawuka kano, n'okutusaako ababa bakalina obujjanjabi n'okubudabudibwa. Ebikulu mu kiwandiiko kino ze nsonga ez'ekuusa ku kutuusa obujjanjabi ku bantu, wamu n'ensonga z'eddembe ly'abantu ab'olubatu n'okuboolebwa. Ekiwandiiko kigenderera okukakasa nti okukebeza n'okubudabuda abantu ku kawuka akaleeta mukenenya bikolebwa mu ngeri etatyoboola ddembe lya buntu olwo okuboolebwa n'okusosolebwa bikendeere. Ekiwandiiko kino kyesigamiziddwa ku ndowooza nti buli muntu alina eddembe okufuna okukeberebwa n'okubudabudibwa eby'omutindo ogw'awaggulu.

Ekiwandiiko kino kilambika nti okukeberebwa omusaayi n'okubudabudibwa birina okukolebwa mu ngeri ekakasa nti ensonga z'abantu ab'olubatu zikolebwaako.Wadde nga tebogerwaako, ba *trans* basobola okulaba nga nabo baganyurwa mu kiwandiiko kino kubanga baggwa mu lulyo lw'abantu ab'olubatu. Okutwaaliza awamu, ekiwandiiko kino kigoberera obukwakkurizo bw'ensi yonna era nga kiggya kuyamba abantu ab'olubatu nga ba *trans* okutusibwaako obujjanjabi n'okwekebeza n'okumalawo obusosoze n'okuboolebwa.

### Enkyuukakyuuka ezetagisa.

Waliwo obwetaavu okulaba nti buli kibinja ky'abantu ekiri mu lulyo lw'abantu ab'olubatu kifuna ekiwandiiko ekikyoogerako ku nsonga z'okweekebeza n'okufuna obujjanjabi. Mu ngeri y'emu, kyetaagisa okulaba nti ekiwandiiko kino kiteekebwa mu nkola.

### 5. Enteekateeka y'okuwa obujjanjabi obw'amangu ddala ku muntu okusobola okutangira mukenenya, *Hepatitis B* ne *Hepatitis C* (2007) *(The National Policy Guidelines for Post Exposure Prophylaxis (PEP) for HIV, Hepatitis B and Hepatitis C, 2007)*

PEP y'enzijanjaba ey'amangu ddala ekendeeza ku bulabe bw'omuntu okukwaatibwa akawuka akaleeta mukenenya singa omuntu oyo abeera amaze okufuna ku musaayi oba amazzi okuva mu muntu ayiinza okuba nga alina akawuka akaleeta mukenenya. Ekigendererwa ky'ekiwandiiko kino kwekulaba nti omuntu takwaatibwa kawuka kaleeta siriimu, *Hepatitis B* oba *Hepatitis C* oluvannyuma lw'okubeera mu mbeera eteeka omuntu mu katyaabaga k'okufuna obulwadde buno. Ekiwandiiko kino kiyamba buli muntu kuba kitekaawo obujjanjabi obw'amangu naddala eri abo abatunuulibwa ennyo okubeera ku bulabe okukwaatibwa akawuka akaleeta mukenenya olw'emirimu gyaabwe omuli abasawo,bakinyoozi, wamu  n'aba poliisi. Wabula, ekiwandiiko kino tekyoogera ku bantu ba lubatu ng'abantu abali ku katyaabaga k'okufuna akawuka era ng'abandyetaaze obujjanjabi.

### Enkyuukakyuuka ezetagisa.

Kyetaagisa nnyo okuteeka ba *trans* mu kiwandiiko kino kubanga n'abo obulamu bwaabwe buli mu matigga g'okukwaatibwa endwadde ezogerwaako.

### 6. Enkola ku kujjanjaba akawuka akaleeta mukenenya (Policy on HIV treatment)

Uganda yagatta ensonga y'ennambikiro ku bujjanjabi bw'akawuka, enkola ku ndiisa y'abaana wamu n'okumalawo okusasaanya akawuka ka mukenenya okuva ku maama okudda ku mwana mu kiwandiiko kimu. Mu 2013, ekiwandiiko kino kyaakyusibwa n'ebagattamu akawaayiro akalagira nti obujjanjabi bw'akawuka akaleeta mukenenya bulina okutuusibwa ku bantu ab'olubatu era nga muno ne ba trans bogerwaako.

Mu 2016 ekiwandiiko ekipya kyatongozebwa era kirambika nti buli muntu akeberebwa nasaangibwa ng'alina akawuka akaleeta mukenenya atandikibwe ku ddagala, era kikkaatiriza nti buli muntu yenna alina akawuka kano alina okufuna obujjanjabi awatali busosoze.[38] Ekiwandiiko kino ttoffaali ddene mukukakasa nti ba trans nabo batusibwaako okweekebeza akawuka wamu n'obujjanjabi.

## Enkyuukakyuuka ezetagisa.

Abakulembeze b'aba trans balina okukakasa nti ekiwandiiko kino kiteekebwa mu nkola okusobola okukakasa nti abantu bano tebasosolebwa mu kufuna bujjanjabi nga bamaze okukeberebwa n'okulaba nti baganyurwa mu kiwandiiko kino.

## 7. Enambika Y'eneeyisa y'abakugu mu kujjanjaba endwadde n'amannyo, 2013] *(Medical and Dental Practitioners: Code of Professional Ethics, 2013)*

Ekiwandiiko kino kirambika enneeyisa y'abawi b'obujjanjabi era nga kiriwo kutumbula n'akukuuma mutindo gwa nneeyisa y'abantu bano. Ekiwandiiko kikubiriza abasawo okukuuma eddembe ly'abalwadde eribaweebwa Ssemateeka we ggwanga. Akawaayiro akasinga obukulu eri ba *trans* ke kawaayiro akalobera abasawo okusosola abalwadde nga basinziira ku kikula, eddiini, obulamu, eggwanga, okubeera n'akawuka oba engeri endala yonna. Akawaayiro kano kasobola okukozesebwa okuwagira n'okusendasenda ba *trans* okweyunira amalwaaliro bafune obujjanjabi. Wabula ekiwandiiko kino ate kirina akawaayiro akayiinza okukugira abantu bano okufuna obujjanjabi. Akawaayiro kano kakugira omusawo okwasanguza ebyaama by'omulwadde singa omulwadde aba takkirizza, okuggyako ng'okusaasanya ebyama ebyo kiyiinza okuyamba abantu bonna okutwaalira awamu. Omusawo ayiinza okukitwaala nti kyetaagisa okugamba abantu abalala okugeza nga poliisi nti omu ku balwadde be *trans*. Kino kiri bwekiti kubanga abantu bano batwaalibwa okuba nti kyebakola kimenya mateeka. Olw'ensonga eyo, kitegeerekeka nti kisobola okuba ekizibu ennyo abantu bano okugenda okufuna obujjanjabi.

## Enkyuukakyuuka ezetagisa.

Kyetaagisa okukwaataganan'abasawo okukakasa nti akawaayiro kano tekatyaboolwa yadde okulinnyirirwa nga kakozesebwa mu ngeri etyoboola eddembe ly'abantu.

38 Lutaaya, H '*Uganda rolls out free HIV testing and treatment for all*' [Uganda etaddewo okweekebeza akawuka akaleeta mukenenya n'obujjanjabi bwa bonna oby'obweerere](Mu ggulire lya *The Sunrise* nga 1 December 2016 Lisangibwa ku http://www.sunrise.ug/news/201612/uganda-rolls-out-free-hivaids-testing-and-treatment-for-all.html (lyaakeberebwa 27 January 2017).

# 3 AMATEEKA G'ENSI YONNA GOOGERAKI KU BA *TRANS* ERA GABAKOSA GATYA MUKUFUNA OBUJJANJABI KU KAWUKA AKALEETA MUKENENYA

Amateeka g'ensi yonna gakkaatiriza nti abantu bonna benkananankankana era balina eddembe ly'erimu. Ekiwandiiko ky'ensi Yonna ku Ddembe Ly'obuntu(*Universal Declaration of Human Rights)* kikkatiiriza nti abantu bonna bazaalibwa nga benkana, era buli muntu yenna waddembe okwegazaanyiza mu ddembe lye. Eddembe lino liddibwaamu mu mateeka g'ensi amalala omuli Eteeka Ly'ensi Yonna ku Ddembe Ly'obuntu ery'eby'obufuzi n'okwesalirawo*(International Covenant on Civil and Political Rights*); Eteeka Ly'ensi Yonna ku Ddembe ly'obuntu mu Byenfuna, Embeera eza bulijjo n'eby'obuwangwa (*the International Covenant on Economic, Social and Cultural Rights*); Eteeka ly'ensi yonna ku kumalawo okusosolebwa kwonna ku bakyaala *(Convention on the Elimination of all forms of Discrimination Against Women)* n'Eteeka lya Ssemazinga wa Afrika ku ddembe ly'obuntu n'ely'abantu (*the African Charter on Human and Peoples' Rights*).

Newankubadde nga amateeka gano tegoogera ku ba *trans* akawaayiro akakugira obusosoze kataputiddwa mu ngeri eraga nti abantu bano nabo tebalina kusosolebwa. Kino kitegeeza nti mu mateeka g'ensi yonna, abantu bano benkanankana na buli omu, tebatwaalibwa kuba bamenyi b'amatteeka era balina okweyagalira mu ddembe lyaabwe ng'abantu abalala bonna. N'olw'ekyo basobola okufuna obujjanjabi awatali kusosolebwa.

Amateeka gano era galaga nti buli muntu alina eddembe ly'okubeera n'obulamu obw'eyagaza mu mubiri ne mu bwongo. Ku nsonga y'obulamu bw'abakyaala, waliwo amateeka abiri agabwoogerako: Eteeka ly'ensi yonna ku kumalawo okusosolebwa kwonna ku bakyaala n'eteeka lya Afrika ku ddembe ly'abakyaala (*Protocol to the African Charter on Human and Peoples' Rights on the Rights of Women in Africa)*. Amateeka gano gagaamba nti buli mukyaala alina eddembe ly'okubeera omulamu mu buli ngeri yonna. N'olw'ekyo mu mateeka g'ensi yonna, ba *trans* balina eddembe ly'obulamu era balina okulyeeyagaliramu.

# 4 EBY'OKULABIRAKO KU NGERI AMATEEKA N'EBIWANDIIKO BYA GAVUMENTI GYE BIKOSAAMU BA TRANS MU KUTUSIBWAAKO OBUJJANJABI BW'AKAWUKA AKALEETA MUKENENYA

Ekitundu kino kiwa eby'okulabirako ebinyonnyola engeri amateeka n'ebiwandiiko bya gavumenti gye bikosaamu obulamu n'enfuna y'obujjanjabi eri abantu abeeyisa mu ngeri eyawukana n'obutonde bwaabwe.

***Eky'okulabirako 1***

*Sam wa myaaka 28 era nga transman. Wadde nga ayagala okukyuusiza ddala ekikula kye afuukire ddala omusajja mu mubiri, Sam tannaba kufuna ddagala nakulongoseebwa byeetagisa. Sam asikirizibwa okwegatta n'abakyala naye oluusiyegatta n'abasajja. Kulusooka lw'omwaka olumu, omusajja yakaka sam omukwano, n'amukuba era n'amuyisa bubi.*

*Sam yalowooza nti ayinza okuba nga yasiigibwa akawuka akaleeta mukenenya oba ekirwadde ky'obukaba ekilara kyonna wakati mukavuvuŋŋano. Olw'okutya n'ensisi ennyigi, Sam yalemwa okugenda ku polliisi oba muddwaaliro mu bwangu ddala okufuna obujjanjabi. Oluvanyuma lw'emyeezi ebiri yakizuula nti yali ali lubuto. Sam yali alina enteekateeka ey'okubeera n'amaka agage naye nga ye ng'omuntu yali takirowoozangako ku kuzaala baana. Yawulira nga aswaala nnyo okubeera olubuto. Sam yafuna okutya wamu n'ebirowoozo nga byesomba ku nsonga ez'enjawulo wamu n'okwebuuza ebibuuzo olutatadde okugeza 'watya nga nasiigibwa akawuka ate nange nenkasiiga omwana? Olubuto luno lunakosalutya enkyuukakyuka y'omubiri gwange gye mbadde njagala? Eddagala lye mbadde ndiko ely'okukyuusa omubiri gwange linaakosa litya enkula y'omwana mu lubuto? Nnyinza ntya ate okulabika nti ndi maama? Olubuto luno nnyinza kuluggyamu ntya? Sam yegomba okugenda awajjanjabibwa okusobola okufuna okuyambibwa okuggyamu olubuto naye yali akimanyi nti okuggyamu olubuto kimenya mateeka, ate era bwaaba wakugenda, alina okwambala n'okweeyisa ng'omukazi aleme kusekelerwa na kutyoboolwa. Ng'amaze okulowooza ku bino byonna, Sam n'awunzika ng' amaliridde nti kyasigazizzaawo kwe kweggyamu olubuto nga akozesa ekintu ekyobwogi ekisala ennyo oba okukozesa eddagala ly'ekinnansi.*

***Okukubaganya ebirowoozo.***

Eky'okulabirako kino kinyonnyola obuzibu ba *trans* bwebasanga omuli okutulugunyizibwa okwesigamizibwa ku kikula; obutatusibwaako buyambi na kumanya kunsonga ya kizaala ggumba; obutafuna nteekateeka za kubudaabudibwa wamu n'okukeberebwa akawuka; obutafuna *PEP* okuziyiza okufuna akawuka akaleeta mukenenya; okulemelerwa okufuna ebiziyiza okufuna olubuto singa omuntu aba yegasse; wamu n'obuyambi mu kuggyamu olubuto mu ngeri ey'ekikugu. Eky'okulabirako kino era kiraga nti ba *trans* balina ebyetaago eby'enjawulo ebisaanye okukolebwaako mu ngeri ey'enjawulo okusobola okulwaanyisa akawuka akaleeta mukenenya mu bantu bano.

***Eky'okulabirako 2***

*Alex wa myaaka 22 era nga* transwoman. *Alex abeera yekka mu kampala oluvanyuma lw'okugobebwa ku kyaalo ky'ewaabwe e Iganga era nga nab'ewaabwe bamweesamba. Alex agezezzaako okwebezaawo awatali kuyambibwa kwonna. Agezezzaako nga bw'asobola okunoonya emirimu mu buduuka wamu n'ebirabo by'emmere naye nga tewali ayagala kumukozesa. Omukulu omu addukanya ekirabo ky'emmere yasekerera Alex nga bwa muŋoola mbu omuntu alabika nga ye tasobola kuweebwa mulimu kubanga ayiinza n'okugoba abaguzi. Alex yalaba talina kyaakukola n'afuuka 'n'ekolera gyange'. Olw'omulimu guno, Alex akwaatiddwa ku nguudo emirundi gy'atamanyi na muwendo. Emirundi egisinga, abeera tamanyi na nsonga emukwaasisa. Olussi aba poliisi bamugambaga nti bamukutte lwaakuba neekolera gyange ate oluusi nga bamugamba bamukwaata lwa bwa kireeresi. Mumulimu guno, Alex alemeddwa okukaka abaguzi be okwambala obupiira bu galimpitawa si kulwa nga bamweekuba oba n'okutya okumutabukira ne bamutulugunya oba okumutwaala ku poliisi. Kyaazulibwa nti Alex alina akawuka akaleeta mukenenya era ennaku zino abadde alwaala nnyo. Yakizudde nti singa aba nga tagenze mu ddwaaliro kufuna bujjanjabi, ayiinza okufa. Atiira ddala okugenda mu ddwaaliro. Ng'oggyeeko okutya nti abasawo baggya kumutulugunya n'okumuboola olw'endabika ye alowooza nti basobola okumukwatirayo mu ddwaliro nebamusiba. Yali awuliddeko aboogera nti waliwo etteeka eppya erifuula okwegatta nga tokozesezza kapiira omusango. Yatya nti abasawo bayinza okumuteebereza okuba 'neekolera gyange' oba omuntu ayaagala abo bafaananya ekikula olwo nebamuleetera poliisi. Alex ali mu matigga era tamanyi kyakukola ku ngeri gyasobola okufunamu obujjanjabi bweyeetaaga.*

***Okukubaganya ebirowoozo***

Eky'okulabirako kino kiraga okunyigirizibwa ba *trans* kwe bayitamu okuva eri poliisi wamu n'abeŋŋanda zaabwe. Eky'okulabirako era kiraga engeri abantu bano gyebakakibwaamuokufuuka ba 'Neekolera gyange' okusobola okw'eyimirizaawo, ekintu ekyoongeraokuteeka obulamu bwabwe mu buzibu bw'okukwaatibwa akawuka akaleeta mukenenya. Eky'okulabirako era kiraga engeri okuboolebwa n'okufuula obwa 'Neekolera gyange' omusango bwekiboolamu abantu bano era n'ekibalemesa okutusibwaako obujjanjabi bw'ebetaaga.

## OKUFUNDIKIRA

Waliwo amateeka mangi agalina obuwaayiro obukugira abantu abeeyisa mu ngeri eyawukana n'obutonde bwaabwe okufuna obujjanjabi n'okumanyisibwa ku ngeri y'okwetangiramu akawuka akaleeta mukenenya wamu n'okubudaabudibwa mu Uganda. Omuziziko ogusinga obunene kwekuba nga tebamanyiddwa mu mateeka mu butongole wamu n'okufuulaokwaagala abantu abefaanana ekikula omusango. Abantu bano basanga okusoomoozebwa olw'obutabaawo mateeka, biwandiiko bya gavumenti n'anteekateeka ebyoogera ku byeetago by'abantu bano eby'obujjanjabi. *MARPI* Mulago, ly'eddwaaliro lyokka elyatekebwaawo okukola ku bantu ab'olubatu naye telirina busobozi bukola ku bantu bano bonna mu ggwanga. Abakulembeze b'aba trans bakubirizibwa okukola kakuyege okulaba nti amateeka galongoosebwa okuggyawo omusango gw'okwagala omuntu bwemufaananya ekikula, n'oggwa 'Neekolera gyange'. Balina n'okufuba okulaba nti gavumenti efulumya ebiwandiiko n'enteekateeka ebigonjoola ensonga abantu bano ze balina, basobole okutusibwaako obujjanjabi n'okumanyisibwa by'ebetaaga ku kawuka akaleeta mukenenya.

### Ebiwandiiko by'amateeka g'ensi yonna

*United Nations General Assembly 'Political Declaration on HIV/AIDS: On the fast track to accelerate the fight against HIV and to end the epidemic by 2030')* [Okulangirira ku mukenenya: Okwoongera amaanyi mu kulwaanyisa mukenenya n'okumumalawo obutasukka mwaka gwa 2030] A/70/L52. Kyakolebwa mu lukungaana lw'ekibiina ky'Amawanga amagatte olw'okumalawo mukenenya olwatuuzibwa nga 8-10 ogw'omukaaga 2016.

*Yogyakarta Principles on the Application of International Human Rights Law in Relation to Sexual Orientation and Gender Identity* [kiwandiiko ekirambika engeri amateeka g'ensi yonna gye galina okukozesebwaamu ku nsonga ezikwaata ku bantu abaagala abantu bwe bafaananya ekikula ekyaakolebwa e Yogyakarta].

### Amateeka agaayisibwa olukiiko lwa Uganda olukulu

*Constitution of the Republic of Uganda* [Ssemateeka wa Uganda], 1995.

*Narcotic Drugs and Psychotropic Substances Control Act* [Etteeka erikwaata ku nkozesa y'ebiragalalagala mu Uganda] *2015.*

*The Equal Opportunities Commission Act* [Etteeka ku kakiiko akalwanyisa okusosolebwa] *2007.*

*The HIV Prevention and Control Act* [Etteeka kukuziyiza n'okulwanyisa akawuka akaleeta mukenenya] *2014.*

*The National Drug Policy and Authority Act*, [Etteeka erikwaata ku nkozesa y'eddagala mu Uganda] 2006.

*The Non-Governmental Organisations Act* [Etteeka erifuga ebibiina by'obwannakyeewa] 2016.

*The Penal Code Act*, [Etteeka erikwaata ku misango eggizibwa] *Cap 120* [Omuko ogwe 120].

*The Registration of Persons Act* [Etteeka ku kuwandiisa abantu] 2016.

### Ebiwandiiko bya gavumenti ebitongole

*The National Policy Guidelines and Service Standards for Sexual and Reproductive Health and Rights*, [Ekiwandiiko ekitongole ku by'obulamu ebikwatagana n'okwegatta] 2012.

*National HIV and AIDS Strategic Plan 2015/2016 – 2019/2020 and the National HIV and AIDS Priotity Action Plan 2015/2016 – 2017/2018* [Enteekateka Y'okulwanyisa Akawuka Akaleeta Mukenenya 2015/2016/-2019-2020[2015 Wamu Nenteekateeka Yokusoosowaza Okulwannyisa Mukenenya Mu Ggwanga 2015/2016-2017/2018].

*Uganda HIV Testing and Counseling Policy* [Enteekateeka y'okwekebeza n'okubudaabuda abalina akawuka ka mukenenya mu Uganda 2010].

*The National Policy Guidelines for Post Exposure Prophylaxis (PEP) for HIV, Hepatitis B and Hepatitis C, 2007* [Enteekateeka yokuwa obujjanjabi obw'amangu ddala ku muntu okusobola okutangira mukenenya, *Hepatitis B* ne *Hepatitis C*] 2007.

*Policy on HIV treatment* [Enkola ku kujjanjaba

akawuka akaleeta mukenenya].

*Medical and Dental Practitioners: Code of Professional Ethics* [Enneeyisa y'abakugu mu kujjanjaba endwadde n'amannyo] 2013.

The Republic of Uganda, Ministry of Health *The Second National Health Policy: Promoting Peoples' Health to Enhance Socio-Economic Development 2010* [Ekiwandiiko ky'ekitongole ky'eby'obulamu ku kutumbula obulamu bw'abantu ng'engeri y'okubakulakulanya] 2010.

The Republic of Uganda Ministry of Health *Addendum to the National Antiretroviral Treatment Guidelines* [Ekiwandiiko ky'ekitongole ky'eby'obulamu ekikwaata ku bujjanjabi bwa mukenenya] *2013*.

The Republic of Uganda Ministry of Health *National Antiretroviral Treatment Guidelines for Adults, Children and Adolescents* [Ekiwandiiko ky'ekitongole ky'eby'obulamu ekikwaata ku bujjanjabi bwa mukenenya mu bantu abakulu, abaana abato n'abavubuka] 2009.

The Republic of Uganda Ministry of Health *The Integrated National Guidelines on Antiretroviral Therapy, Prevention of Mother to Child Transmission of HIV and Infant & Young Child Feeding* [Ekiwandiiko ky'ekitongole ky'eby'obulamu bujjanjabi bwa mukenenya, engeri y'okutangira ensasaanya y'akawuka akaleeta mukenenya mu baana abazaakibwa, n'endiisa y'abaana abato] 2011.

*(Uganda AIDS Commission An AIDS Free Uganda: My responsibility! National HIV and AIDS Strategic Plan 2015/2016 – 2019/2020 2015)* [Enteekateeka y'ekitongole ekirwanyisa mukenenya mu Uganda ki Uganda AIDS Commission ey'okulwanyisa mukenenya okuva 2015/2016 okutuuka 2019/2020].

## Obutabo n'ebiwandiiko ebirala by'abasomi

Nannyonga-Tamusuza, S '*Female-men, male-women, and others: constructing and negotiating gender among the Baganda of Uganda* [Ba kyaakulakkazi, Kyaakula sajja n'abalala: Okutondawo n'okutegeera ensonga z'ebikula by'abantu mu Baganda aba Uganda'] 3(2) *Journal of Eastern African Studies* (2009) 367-380.

Nchenga, J et al '*Antiretroviral therapy adherence, virologic and immunologic outcomes in adolescents compared with adults in southern Africa*' [Okuwangaalira ku bujjanjabi bw'akawuka akaleeta mukenenya, n'enkyuukakyuuka ezireetebwa obujjanjabi buno ku bulamu bw'abavubuka okubagerageranya n'abakulu mu Maserengeta ga Africa' (2009) 51:1 *Journal of Acquired Immuno Deficiency Syndrome* 65 - 71.

Operario, D et al '*HIV in trans communities: Syndemic dynamics and a need for multicomponent interventions*) (2010) 55 *Journal on Acquired Immuno Deficiency Syndrome*' [Akawuka akaleeta mukenenya mu ba *Trans:* Ebintu ebirina okutunuulirwa n'obwetaavu bw'okutunuulira ebintu bino mu ngeri ekwaata ku nsonga esukka mu emu] S91-S93.

Peters, M '*They wrote gay on her file: Trans Ugandans in HIV prevention and treatment*) 18(1) *Culture, Health and Sexuality*' [Ku fayilo ye bawandiikako nti ayagala abantu ab'ekikula ekimu naye: Ba *Trans* mu kutangira n'okujjanjaba akawuka akaleeta mukenenya] (2016) 84-98.

## Alipoota

CEHURD, *Advocating for the right to reproductive healthcare in Uganda: The import of Constitutional Petition No. 16 of 2011* [Okulwaanirira eddembe ly'okuzaala n'okuzaalisa mu Uganda: Omugaso gw'omusango No. 16 mu 2011 ku kutaputa Ssemateeka] (CEHURD (2011) 20.

Harm Reduction International & The

Global State of Harm Reduction, *The case for a harm reduction decade: Progress, potential and paradigm shifts*) [Obwetaavu bw'emyaaka 10 egy'okukendeeza obukosefu: Ebitukiddwaako, Obusobozi n'enkyuukakyuuka mu birowoozo] 2016.

Human Rights Awareness and Promotion Forum, *Legal Analysis of the Sexual Offences Bill 2015*) [Okweetegereza etteeka eritesebwaako ku misango gy'ekikaba] 2016.

Human Rights Awareness and Promotion Forum *The Narcotic Drugs and Psychotropic Substances (Control) Act. 2016 and the Legal Regulation of Drug Use in Uganda: Analysing the tension between criminal law, public health and human rights* [Etteeka erikwaata ku biragalalagala n'ennaambika y'enkozesaamu y'ebiragala bino mu Uganda: Okweetegereza akatubaagiro akaliwo wakati w'amateeka agatondawo emisango, obulamu bw'abantu n'eddembe ly'obuntu] 2016.

Human Rights Awareness and Promotion Forum *A guide to the normative legal framework on the human rights of LGBTI persons in Uganda* [Endagiriro ku mateeka ga Uganda na ki ky'egoogera ku ddembe ly'abantu abaagala abo bwefaananya ekikula] 2015.

International Network of People Who Use Drugs (INPUD) and Global Network of People Living With HIV (GNP+) *Advancing the Sexual and Reproductive Health and Human Rights of Injecting Drug Users living with HIV: A policy briefing* [Okulwaanirira eddembe ly'abantu abeekuba ebiragalalagala ate nga balina akawuka akaleeta mukenenya: Ekiwandiiko ekigobererwa] 2010 4.

UNAIDS and World Health Organization Inter-Agency Working Group on Key Populations, *HIV and young people who inject drugs: A policy brief* [Akawuka akaleeta mukenenya n'abantu abato ab'ekuba ebiragalalagala: Ekiwandiiko ekigobererwa] 2013.

UNAIDS, *The GAP Report* [Alipoota eraga abatafibwaako mu kulwanyisa mukenenya] 2014.

UNAIDS, *UNAIDS Terminology Guidelines* [Ennambikiro y'ebigambo n'engombo by'ekitongole kya UNAIDS] 2015.

UNAIDS, 90-90-90 *An ambitious treatment target to help end the HIV epidemic* [Obujjanjabi obulubiirirwa okusobola okumalawo endwadde ya mukenenya 90-90-90*]* 2014.

United Nations Office on Drugs and Crime, *World Drug Report 2006* [Alipoota y'ensi yonna ku nkozesa y'ebiragalalagala] 2006.

WHO, *Policy Brief: Consolidated guidelines on HIV Prevention, Treatment and Care for Key Populations* [Ekiwandiiko ekigobererwa: Ennambikiro egatiddwa ku kutangira akawuka akaleeta mukenenya, obujjanjabi n'endabirira mu bantu abatafibwaako era ababoolebwa] 2014.

WHO, *Developing sexual health programmes: A framework for action* [Okugunjaawo enteekateeka ez'enjawulo ku nsonga z'okwegatta: Okulambika bwe kirina okukolebwa] *2010*.

## Ensalawo z'amakkooti

*Adrian Jjuuko v Attorney General* Omusango ogutaputa Ssemateeka No. 1 of 2009.

*Kasha Jacqueline, David Kato Kisuule & Pepe Julian Onziema v The Rollingstone Newspaper* Omusango No. 163 of 2010.

*Kasha Nabagesera & 3 Others v. The Attorney General and Hon. Rev. Fr Simon Lokodo,* Omusango No. 33 of 2012.

*Uganda v Boaz Kalyeija* Omusango No. 18 of 2015

*Victor Mukasa & Yvonne Oyoo v Attorney General* (2008) AHRLR 248.

**Empalula z'amawulire**

*Uganda rolls out free HIV testing and treatment for all* [Uganda etaddewo okweekebeza akawuka akaleeta mukenenya n'obujjanjabi eby'obweerere] Mu ggulire lya *The Sunrise* nga 1 December 2016 Lisangibwa ku http://www.sunrise.ug/news/201612/uganda-rolls-out-free-hivaids-testing-and-treatment-for-all.html (lyaakeberebwa 27 January 2017).

'*MARPI bridging the health service gap in Most At Risk Populations*' [Ekitongole kya MARPI kizibye ekituli mu mpeereza y'eby'obulamu eri abantu aboolebwa] nga 15 May 2015 byawandiikibwa *Kuchu Times*. Bisangibwa https://www.kuchutimes.com/2015/05/marpi-bridging-the-health-service-gap-in-most-at-risk-populations-3/ (byaakeberebwa 25 January 2017).

'*Homosexuality is not un-African*'[Okwagala omuntu bwemufaananya ekikula tekiva wabweeru wa Africa] Byawandiikibwa ku *Al-Jazeera America* nga 26 April 2015. Bisangibwa ku http://america.aljazeera.com/opinions/2014/4/homosexuality-africamuseveniugandanigeriaethiopia.html (byaakeberebwa 27 January 2017).

**Omutimbagano/Yintaneeti**

UNAIDS, *Understanding fast track: Accelerating action to end the AIDS epidemic by 2030* [Okutegeera okusoosowaza: Okwongera amaanyi mu kumalawo endwadde ya mukenenya obutasukka 2030] 2015 Bisangibwa ku http://www.unaids.org/sites/default/files/media_asset/201506_JC2743_Understanding_FastTrack_en.pdf (byaakeberebwa 10 January 2017).

UNAIDS, '*Reaffirming the leadership of people living with HIV in the AIDS response*' [Okwoongera okukakasa obukulembeze bw'abantu abalina akawuka akaleeta mukenenya mu kulwaanyisa mukenenya] Byafulumizibwa 18 July 2016 Bisangibwa http://www.unaids.org/en/resources/presscentre/featurestories/2016/july/20160717_living2016 (byaakeberebwa 10 January 2017).

**Ensibuko:**

HRAPF kibiina ky'obwannakyeewa ekimanyisa wamu n'okutumbula eddembe ly'obuntu. Kibiina kyetongodde, sikyabyabufuzi, era kya bwa Nnakyeewa nga kikola ku ddembe ly'obuntu. Kyawandiisibwa mu bujjuvu mu mateeka ga Uganda. HRAPF kyatandikibwaawo mu 2008. HRAPF kyenyumiriza mu kutumbula engeri abantu gyebasobola okutuuka ku bwenkanya, okumanyisa ku by'eddembe ly'obuntu eri abo abatwalibwa ng'abawansi ennyo mu Uganda era abasosolebwa nga kirwaanirira embeera y'ebyamateeka n'enteekateeka esobozesa okutumbula eddembe ly'ebibiina by'abantu abawansi ennyo.

**HRAPF kyerubiriira**

Eddembe ly'abantu bonna nga kwotadde n'elyabo abasosolebwa n'abatafiibwaako nga litwalibwa ng'ekyomuwendo era nga lissibwaamu ekitiibwa.

**Enkola ya HRAPF**

HRAPF eyitira mu mateeka okutukiriza ebigendererwa byaayo. Eyita mu kuwolereza mu by'amateeka, okunoonyereza, okumanyisa ku by'eddembe ly'obuntu ne ku by'amateeka, okukozesa kooti, okuzimba obusobozi wamu n'okukola emikago.

**Omubala gwa HRAPF**

'Twala eby'eddembe ly'obuntu eli buli omu'

**Ebigendererwa bya HRAPF**

1. Okumanyisa banna Uganda amateeka ga Uganda n'agensi yonna ku by'eddembe ly'obuntu okusobola okutumbula enneeyisa essa ekitiibwa mu ddembe ly'abantu aba wansi ennyo.

2. Okukola okunoonyereza n'okuwandiika ku kulinnyirira eddembe ly'obuntu ely'abantu abawansi ennyo n'ekigendererwa eky'okubafunira engassi ebasaanira.

3. Okukyusa endowooza mu nkulaakulana y'amateeka n'enteekateeka mu Uganda okuleetawo okugoberera ennono z'eddembe ly'obuntu.

4. Okuyamba abantu aba wansi ennyo mu by'amateeka okubasobozesa okufuna ennamula y'emisango ey'ensonga n'obwenkanya.

5. Okugabana ebikwata era n'enkola ezisinga obulungi ku ddembe ly'abantu bawansi ennyo okusobola okwongera amaanyi mu mugendo gw'eddembe ly'obuntu mu Uganda.

6. Okuzimba empuliziganya n'enkolagana n'ebibiina wamu n'emikwano egy'enkizo, gavumenti, ebibiina by'abantu abomu bitundu eby'enjawulo wamu ne ba ssekinnoomu mu Uganda, mu Afrika ne mu nsi yonna.

7. Okuzimba ekitongole ky'ebyeddembe ly'obuntu eky'amaanyi n'okukola.

**HRAPF byetwala okuba eby'omuwendo ng'ekola emirimo gyaayo:**

1. Obutasosola
2. Emikisa egyenkanankana
3. Obwenkanya
4. Enkola ey'omuggundo
5. Okukolera awamu

**EMIRIMO GYA HRAPF**

Mu kiwandiiko ekilagaenteekateeka yakyo eza 2013 – 2017, HRAPF erina entegeka ssatu mwekolera emiroumi gyayo:

**Entegeka Y'okutuusa Obwenkanya Mu Bantu**

Entegeka eno egendereddwamu okutumbula okusobola okutuuka ku bwenkanya mu engeri esoboka okuyimirizibwaawo okumala ebbanga, eri abantu bawansi ennyo mu Uganda. Okusingira ddala entegeka eno esinga kutunuulira bwenkanya mu kusala emisango, obwenkanya mu maka wamu n'eryaanyi erikozesebwa okusinziira ku kikula ky'abantu mu by'omukwano. Entegeka eno etunuulidde nnyo abantu abasinga okuba abawansi omuli abasosolebwa olw'ebikula byabwe byonna; abakyaala ba nekolera gyange; abakazi n'abaana abalina akawuka akaleeta mukenenya; abasajja n'abakazi abanaku, ssaako n'abantu abakadde naye nga bali mu nkayana z'ettaka.

### Entegeka y'okunyonnyola n'okukyuusa Amateeka

Ekigendererwa ky'entegeka eno kwe kukola n'ebitongole ebifaanaganya endowooza okuwolereza n'okukyusa endowooza mu kubaga enteekateeka n'amateeka ezitumbula omwenkanonkano n'obutasosola mu bantu okusobola okujjawo obusosoze eri abantu abawansi ennyo.

### Entegeka ey'okukuza HRAPF

Ekigendererwa ky'entegeka eno kwe kukulakulanya HRAPF efuuke ekibiina ekyabeezawo era ekikola emirimo egomutimndo.

## OBUFUZI N'OBUKULEMBEZE BWA HRAPF

Obufuzi n'obukulembeze bwa HRAPF bulina amatabi ana: Olukiiko olukulembeze; Abayima; Akakiiko ka badayirekita; ssaako abakozi.

### Olukiiko olukulembeze

Lino ly'ettabi essukulumu erivunaanyizibwako okukola enteekateeka ez'enjawulo ez'ekitongole kino. Ettabi lino lirimu bannakibiina bonna. Wetwoogerera nga HRAPF erina ba mmemba 53. Okufuuka mmemba kukkirizibwa eri abantu bonna abettanira okutumbula, okukuuma wamu n'okumanyisa ebikwata ku ddembe ly'obuntu ery'abantu abawansi ennyo mu Uganda.

### Abayima

Abayima bano be bakuumi ba b'ebiwandiiko bya HRAPFera be balabirira ebintu byaayo. Mu kaseera kano waliwo abayima abakola basatu.

### Akakiiko ka badayirekita (BOD)

BOD eno yeevunanyizibwako okulambika ebyo ettabi ly'abakozi byeririna okukolera ekitongole buli kiseera. Eriko bammemba musanvu: Ssentebe, Omumyuka wa Ssentebe, Omuwandiisi omukulu, Omuwanika, bammemba abalala babiri, n'omukulu wabakozi BOD eno etuula buli luvannyuma lwa myezi esatu.

### Ettabi ly'abakozi bemibiina

Lino ly'ettabi ery'ekitongole eriteeka mu nkola byonna ebisalibwaawo amatabi amalala. Likulirwa omukulu w'abakozi wetwoogerera nga liriko ba mmemba abakozi 27.

**Human Rights Awareness and Promotion Forum (HRAPF)**

Plot 390 Prof. Apolo Nsibambi Road,
Namirembe, Kampala.
P. O. Box 25603, Kampala.
Tel: +256-414-530683/+256-312-530683
Email: info@hrapf.org.  Website: www.hrapf.org.